



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Ebisanyizo By'Omuyigirizwa



 **LIVING ON THE EDGE™**

EBIKWATA KU KITONGOLE KYA LIVING ON THE EDGE

Obuwereza bwa **Living on the Edge** buliwo kuyamba Abakristaayo okubeera ng'Abakristaayo. Kyatandikibwawo mu 1995 ng'obuweereza bwa leediyo obw'omusumba era omuwandiisi Chip Ingram, okuva olwo Katonda akikuzizza n'aKifuula obuweereza bw'abayigirizwa mu nsi yonna. Living on the Edge ewa Abakristaayo mu nsi yonna ebikozesebwa mu kuyigiriza, okutendeka, n'okufuula abayigirizwa okubayamba okufuuka abayigirizwa ba Yesu abakuze.



Ebiri Munda

Omusomo 1 **Olupapula 4**
Okutandika

Omusomo 2 **Olupapula 16**
Ky'ayagaza Eri Obulamu Bwange?

Omusomo 3 **Olupapula 22**
Nfuna Ntya Ekya Katonda Ekisinga Obulungi
Eri Obulamu Bwange?

Omusomo 4 **Olupapula 28**
Ekigendelerwa Kya Katonda Eri Obulamu
Bwange Kyekiriwa?

Omusomo 5 **Olupapula 36**
Ntambulira Ntya Mu Bumu Obwa
Nnamaddala?

Omusomo 6 **Olupapula 42**
Mpangula Ntya Obubi Obuba Bunjolekedde?

Omusomo 7 **Olupapula 48**
Kiki Ekiddako?



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Okutandika

OMUSOMO 1



1. Lwaki Tuli wano leero

A. **OKUGULUMIZA** Katonda.

Mujje tugulumize Mukama, Tugulumize erinnya lye fenna.

Z A B B U L I 3 4 : 3

B. **OKUTAMBULA NGA TUSEMBERA ERI** Katonda.

tusembere awali Katonda n'omwoyo ogw'amazima ogujjudde okukkiriza.....

A B A E B U L A N I Y A 1 0 : 2 2

C. **OKUFUNA** enkola Baibuli gy'ekozesa okufuula / okutendeka Abayigirizwa.

Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. 20 Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe.

M A T T A Y O 2 8 : 1 9 - 2 0



EKY'OKWENYIGIRAMU: OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO

1. Musingire mu bibinja by'abantu 3-5 mweyanjule mu bufunze. Kiki ky'osuubira mu biseera bye tumala nga tuli wamu?
2. Birooto ki byolina eri abaana bo (Abaana bolina kati, bogenda okuzaala oba boolizaala)?

2. Ekirooto Kya Katonda Eri Ekanisa Yo

- A. Buli muzadde alina **EKIROOTO** ky'abaana be.
- B. Kitaffe ow'omu ggulu alina ekirooto eri buli omu ku **BAANA** be.
- C. Ekirooto kya Katonda kwe kufuula abaana be okufanana nga **YESU**. (Matayo 5:48, Abaruumi 8:29, Abeefeso 4:13)
- D. Enteekateeka ya Katonda gyakozesa okufuula abayigirizwa ye **KKANISA**. (Mattayo 5:13-16)
- “Obwetaavu obusinga obunene mu kkanisa be Bakristaayo Okubeera nga Abakristaayo.” - **CHIP INGRAM**
- E. EKIBUUZO: **EKKANISA** **ENNAMU** efaanana etya?



3. Engeri ssatu eziraga Ekkanisa Ennamu

A. Abantu ababuze **BAJJA** **ERI** **KRISTO**.

OBUTUMWA OBUKULU

“Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. 20 Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n’okutuukira ddala ensi lw’eriggwaawo”.

M A T T A Y O 28 : 19 - 20

B. Abantu abalokose nga beyongerayo **OKUKULA** mu Mwoyo.

EKIRAGIRO EKIKULU

“Naye n’amugamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n’omutima gwo gwonna, n’obulamu bwo bwonna, n’amagezi go gonna. Kino kye kiragiho ekikulu eky’olubereberye. N’eky’okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Mu biragiho bino byombi amateeka gonna mwe gasinziira, era ne bannabbi.”

M A T T H E W 22 : 37 - 40



C. Abantu abayigiriziddwa nga **BAWEREZA** **ERI**
EBYETAAGO by'abakkiriza abalala.

OKUSAASIRA OKUKULU

“Awo Kabaka aligamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti Mujje, mmwe Kitange be yawa omukisa, musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutonda ensi: kubanga nnalina enjala ne mumpa ekyokulya: nnalina ennyonta ne munnywesa: nnali mugenyi ne munsuza; nnali bwereere ne munnyambaza: nnali mulwadde ne munnambula: nnali mu nvuba, ne mujja mundaba. Awo abatuukirivu balimuddamu nga bagamba nti Mukama waffe, twakulaba ddi ng’olina enjala ne tukuliisa? oba ng’olina ennyonta ne tukunywesa? Era twakulaba ddi ng’oli mugenyi ne tukusuza? oba ng’oli bwereere ne tukwambaza? Era twakulaba ddi ng’oli mulwadde, oba mu nvuba, ne tujja tukulaba? Ne Kabaka aliddamu alibagamba nti Mazima mbagamba nti Nga bwe mwakola omu ku abo baganda bange abasinga obuto, mwakikola nze.”

M A T T A Y O 25 : 34 - 40

Ekkansa yo bw’ekola ebintu bino ebisatu, ebeera **EKKANISA ESINGA**
OKUKOMA **KU BANTU** !



4. Amakanisa Amalamu Bye getaaga Okufuula Abayigirizwa

- A. Buli kkanisa yeetaaga ENKOLA ENNAMBULUKUFU
ey'okufuula Abayigirizwa.
- B. Buli kkanisa yeetaaga abakulembeze OKUSOOKA ne bafuuka
bayigirizwa, EKY'OKUBIRI n'ebalyooka bafuuka abakulembeze.
- “Ekkkanisa ejja kusituka era egwe ku lw'obukulembeze
obw'omwoyo obw'omusumba waayo n'amaanyi g'abayigirizwa
baayo.” - DENNIS BARIL
- C. Buli kkanisa yeetaaga EMITENDERA okufuula abayigirizwa.



5. Ebisanyizo By'Omuyigirizwa: Abaruumi 12

1 Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira: kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, – kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.

2 So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala – ebirungi ebisanyusa, ebituufu.

3 Kubanga njogera, olw'ekisa kye nnaweebwa, eri buli muntu ali mu mmwe, alemenga okwerowooza okusinga bwe kimugwanidde okulowooza; naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza. 4 Kubanga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu naye ebitundu byonna tebirina mulimu gumu: 5 bwe kityo ffe abangi tuli omubiri gumu mu Kristo, na buli muntu tuli ebitundu bya bannaffe fekka na fekka. 6 Era bwe tulina ebitenkanankana ng'ekisa kye twawebwa bwe kiri, oba bunabbi (tubuulirenga) mu kigera ky'okukkiriza kwaffe; 7 oba kuweereza, tunyiikirenga mu kuweereza kwaffe; 8 oba ayigiriza, anyiikirenga mu kuyigiriza kwe; oba abuulirira, mu kubuulirira kwe: agaba, agabenga awatali bukuusa; afuga afugenga n'okunyiikira; asaasira asaasirenga n'essanyu.



9 Okwagala kubeerenga kwa mazima. Mukyawenga obubi, mwegattenga n'obulungi. 10 Mu kwagala kw'ab'oluganda mwagalanenga mwekka ne mwekka; mu kitiibwa buli muntu agulumizenga munne; 11 mu kunyiikira si bagayaavu; abasanyufu mu mwoyo; nga mubeeranga baddu ba Mukama waffe; 12 musanyukenga mu kusuubira; mugumiikirizenga mu bunaku; munyiikirenga mu kusaba; 13 mugabirenga abatukuvu bye beetaaga; mwanirizenga abagenyi. 14 Musabirenga ababayigganya; musabirenga, so temukolimanga. 15 Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka; mukaabirenga wamu n'abo abakaaba. 16 Mulowoozenga bumu mwekka na mwekka. Temwegulumizanga, naye mugendenga n'abo abatalina bukulu. Temubanga ba magezi mu maaso gammwe mwekka. 17 Temuwalananga muntu kibi olw'ekibi. Mwetegekenga ebirungi mu maaso g'abantu bonna. 18 Oba nga kiyinzika, ku luuyi lwammwe, mutabaganenga n'abantu bonna. 19 Temuwalananga mwekka ggwanga, abaagalwa, naye waakiri musegulirenga obusungu: kubanga kyawandiikibwa nti Okuwalana kwange; nze ndisasula, bw'ayogera Mukama. 20 Naye omulabe wo bw'alumwanga enjala, muliisenga; bw'alumwanga ennyonta, munywesenga kubanga bw'okola bw'otyo, olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe. 21 Towangulwanga bubi, naye wangulanga obubi olw'obulungi.

A B A R U U M I 12 : 1 - 21



A. Enkolagana ez'emirundi etaano ezisangibwa mu Abaruumi 12:

KATONDA _____ (olunyiriri 1)

ENSI _____ (olunyiriri 2)

GWE WENYINI _____ (olunyiriri 3-8)

ABAKKIRIZA _____ (olunyiriri 9-13)

ABATALI BAKKIRIZA _____ (olunyiriri 14-21)

B. Engeri **OMUYIGIRIZWA** gy'ayanukulamu eri Abaruumi 12:

Katonda ➤ **OKUWAAYO** _____ obulamu bwange

Ensi ➤ **WEYAWULE** _____ okuva ku mpisa z'ensi

Gwe wennyini ➤ **KOZESA OKUTEGEERA** _____ mu kwekebera

Abakkiriza ➤ **OKUWEREZA** _____ mu kwagala

Abatali Bakkiriza ➤ nga twanukuza obulungi eri ekibi **MU NGERI ETALI**
YABULIJJO _____.



C. Kino Kikulu: Obuyigirizwa: **OBUTUUFU** bwebuno:

- ☒ Businziira ku kisa kya Katonda so si kwesigama ku kukola kwa muntu.
- ☒ Bwa nkolagana so si kufunamu
- ☒ Bwa bikolwa so si kuteebereza buteebereza
- ☒ Busobola okupimibwa mu bigera, so si obutategerekeka

6. Ekisomooza

A. Tosobola **KUWA BY'OTOLINA**. Tulina **OKUBEERA** kye twagala abantu baffe **BAFUUKE**.

B. Katonda alina okukola **E BUZIBA** mu ffe nga tannakoa **MU MAANYI** okuyita mu ffe.



Obweyamo Bw'Obukulembeze

- ☒ Nneewaayo okubeera **OMUYIGIRIZWA** wa Yesu nga sinabeera **MUKULEMBEZE** wa Yesu.



🔗 Eky'okwenyigiramu – Okwekebera okwa ssekinoomu n'okukubaganya ebirowoozo

1. Okwekebera: Okusobola okufuna ekifananyi ekituufu, wekebere n'ekkanisa yo mwepime wakati 1-10 ku buli mpisa y'omuyigirizwa:

“N'omutima gwange gwonna nkunoonya; Tonzikiriza okukyama okuva ku mateeka go.”

(Z A B B U L I 1 1 9 : 1 0)

Okuwaayo Obulamu Bwange Eri Katonda

	Ebifo bye wetaaga okukulamu							Ebifo byolinamu amaanyi		
GWE NGA OMUNTU	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10
EKKANISA	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10

Weyawule ku mpisa z'ensi

	Ebifo bye wetaaga okukulamu							Ebifo byolinamu amaanyi		
GWE NGA OMUNTU	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10
EKKANISA	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10

Okwekebera nga okozesa okutegeera

	Ebifo bye wetaaga okukulamu							Ebifo byolinamu amaanyi		
GWE NGA OMUNTU	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10
EKKANISA	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10



Okuwereza Abakkiriza Abalala Mu Kwagala

	Ebifo bye wetaaga okukulamu					Ebifo byolinamu amaanyi				
GWE NGA OMUNTU	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10
EKKANISA	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10

Okukozesa Obulungi Okwanukula Eri Ekibi Mu Ngeri Etali Ya Bulijjo

	Ebifo bye wetaaga okukulamu					Ebifo byolinamu amaanyi				
GWE NGA OMUNTU	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10
EKKANISA	1	2	3	4	5	6	7	8	9	10

2. Okukubaganya ebirowoozo: Musingire mu bibinja by'abantu 3-5, era okusinziira ku kwekebera kwo waggulu, mugabane buli omu aweeyo kimu ku maanyi GE n'obunafu BWE.

3. Lodayo abantu omu oba babiri musabe Mukama okubalaga kyekitegeeza okubeera omukulembeze mu bwa Kabaka Bwe.



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Kiki Katonda Kyayagaza eri
Obulamu bwange?



Kiki Katonda kyanjagaza?

Engeri esooka eraga omuyigirizwa w'Abaruumi 12 ekwatagana ku nkolagana yaffe ne **KATONDA**.

1. Engeri Y'okuwa Katonda Kyayagala

Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira: kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.

A B A R U U M I 1 2 : 1

- A. **Ekiragi**: “ **MUWEEYO** emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu”
- B. **Ekitukubiriza**: “ **EKISA** kya Katonda”
- C. **Ensonga**: “ekikolwa eky'omwoyo **EKY'OKUSINZA**.”



2. Okwewaayo Kwe Kusinza Okwamazima

A. Katonda ayagala GGWE WENNA ! (Okuva 20:3, Matayo 6:33)

Obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana n'eky'obugagga ekyakisibwa mu lusuku; omuntu n'akiraba, n'akikweka; n'olw'essanyu lye n'agenda n'atunda by'ali nabyo byonna, n'agula olusuku olwo. Nate, obwakabaka obw'omu ggulu bufaanana nga omusuubuzi w'amayinja ag'omuwendo, bweyazuula ejjinja ery'omuwendo omungi, n'agenda n'atunda by'ali nabyo byonna, n'aligula.”

M A T T A Y O 13 : 44 - 46

B. **Ekizibu:** Tutera okulaba okwewaayo nga EKITAKOLEKA era nga OKUWANGULWA .

C. **Amazima:** Okwewaayo gwe MUKUTU emikisa gya Katonda egisinga obulungi era eminene mwe giyita. (Zabuli 84:11)



D. Okwewaayo kwe **KUSALAWO** ate nga kwa **MUTENDERA**.

Kwe kusalawo okumala ne kufuuka empisa mu bulamu.

Awo n'abagamba nti Omwoyo gwange guliko ennaku nnyingi, zigenda kunzita: mubeere wano, mutunule nange. N'atambulako katono, n'avuunama, n'asaba, n'agamba nti Ai Kitange, ekikompe kino kinveeko, oba kiyinzika: naye si nga nze bwe njagala wabula nga ggwe bw'oyagala."

M A T T A Y O 26 : 38 - 39

E. Tuwa Katonda **BULI KIMU** nga tumuwa **EKYO**
KYE TUZAako.

Katonda n'amugamba nti, "Twala mutabani wo, mutabani wo omu yekka, Isaaka, gw'oyagala, ogende mu nsi Moliya ku lumu ku nsozi lwe ndikulaga omuweereyo eyo okuba ekiweebwayo ekyokebwa."

O L U B E R Y E B E R Y E 22 : 2



Obweyamo Bw'obukulembeze

☑ Nneewaayo **OKUWAAYO** byonna bye ndi ne byonna
bye nnina eri Katonda.



Okwenyigiramu – Okukubaganya Ebirowoozo

1. Musingire mu bibinja by'abantu 3-5. Olowooza lwaki Abakristaayo bangi tebabeera mu bulamu bwa kwewaayo?

2. “Isaaka” wo y’ani? Kiki ekiddako Katonda ky’akusaba okumuwa?

3. Londa abantu 1 oba 2 okukusabira Katonda akuwe amaanyi okuwaayo “Isaaka” wo gy’ali.



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Nfuna Ntya Ebya Katonda Ebisinga
Obulungi Mu Bulamu Bwange?



Nfuna Ntya Ebya Katonda Ebisinga Obulungi Mu Bulamu Bwange?

Engeri ey'okubiri ey'omuyigirizwa w'Abaruumi 12 ekwatagana n'enkolagana yaffe **N'ENSI**.

1. Engeri Y'okufuna Ebya Katonda Ebisinga Obulungi Mu Bulamu Bwo

So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima.

A B A R U U M I 1 2 : 2

A. Lwaki waliwo **OKUSALAWO** kw'obulokozi kungi nnyo ate nga
ABAYIGIRIZWA abeewaddeyo batono?



B. **Ekiragiho ekitukugira:** “So temwefaananyirizanga ba mirembegino...”

Ektivvuunulwa: Mulekere awo okukkiriza okubumbibwa
EBISIKIRIZA n’okutwalibwa kw’enkola eno ey’ensi eriwo kati.

Enkozesa: Tulina **OKWEYAWULA** ku mpisa Z’ensi..

C. **Ekiragiho ekitulagira:** “...mukyusibwe olw’okudda obuggya mu birowoozo byammwe.”

Ektivvuunulwa: Kiriza Katonda okukyuusiza ddala endowooza yo ey’omunda n’enneeyisa yo ey’okungulu ng’okolagana naye n’omutima gwo gwonna buli kaseera n’enkola y’Omwoyo ey’okuzza obuggya.

Enkozesa: Tulina kubumbibwa **KIGAMBO**, **KYA MUKAMA**
so si **ENSI**.



2. Weyawule Ku Neyisa Y'ensi

Awo Yesu n'addira emiguwa n'agifunyaafunya ne giba ng'embooko n'agobawo endiga n'ente, n'asaasaanya n'ensimbi ez'abaali bawaanyisa, n'avuunika n'emmeeza zaabwe. N'akyukira abaali batunda amayiba n'abagamba nti, "Bino mubiggye wo. Temufuula Nnyumba ya Kitange katale." Awo abayigirizwa ne bajjukira Ekyawandiikibwa ekigamba nti, "Obuggya bw'Ennyumba yo, Ayi Mukama, bulindya." YOKAANA 2:15-17.

Y O K A A N A 2 : 1 5 - 1 7

Mu Bfunze: Enkola y'Ensi enoonya okutusendasenda okuva mu kwagala kwaffe eri Kristo okuyita mu MASANYU, EBY'OBUGAGGA, N'EBIFO.



3. Ennono Z'okukyuusa Endowooza Yo

- A. Nkola ya **BUTAWUMMULA** (Abakkolosaayi 3:1-4)
- B. Nkola **YA LUTALO**. (2 Bakolinso 10:4-5)
- C. Mulimu gwa Mwoyo Omutukuvu **OGUTALI**
GWA BULIJJO. (Abaruumi 8:5-6)

4. Enkola Ez'ebikolwa Ez'okukyuusa Endowooza Yo

- A. **WULIRA** Ekigambo kya Katonda (Abaruumi 10:17).
- B. **SOMA** Ekigambo kya Katonda (Okubikkulirwa 1:3)
- C. **YIGA** Ekigambo kya Katonda (2 Timoseewo 2:15).
- D. **KWAATA MU MUTWE** Ekigambo kya Katonda (Zabuli 119:9, 11).
- E. **FUMINTIRIZA** ku Kigambo kya Katonda (Yoswa 1:8)

“Twetaaga okufuuka abantu ba Bayibuli: Si abantu abamanyi ky'egamba kyokka,, wabula abantu ababeera mu Bayibuli, nga batambulira mu Bayibuli, abantu abannyikiddwa mu Byawandiikibwa, ababibeera era ababissa nga omukka.” - **N.T. WRIGHT**



Obweyamo Bw'Obukulembeze

- ☺ Nneewaayo okumala ebiseera ne Katonda buli lunaku nsobole okukyuusibwa ekigambo kye okunkuuma okuva eri **OKUKEMEBWA** kw'ensi.



Okwenyigiramu – Okwekebera n'Okukubaganya Ebirowoozo

1. Miziziko ki egikulemesa okumala ebiseera mu Kigambo kya Katonda?

2. Musingire mu bibinja by'abantu 3-5 mulonde omuntu omu asome Abafiripi 4:8 mu ddooboozi ery'omwanguka:

Eky'enkomerero, abooluganda, mulowoozenga ku buli kya mazima, na buli ekisiimibwa na buli kya butuukirivu, na buli kirongoofu, na buli kyagalibwa, na buli kyogerwako obulungi, era bwe wabangawo ekirungi oba bwe wabangawo ettendo, ebyo mubirowoozengako.

A B A F I R I P P I 4 : 8

3. Buli muntu agabaneyo ekintu okuva mu bulamu bwe oba obuweereza bwe ekituufu, eky'ekitiibwa, ekirongoofu, eky'okwagala, ekyegombesa, ekisinga obulungi oba ekitenderezebwa.



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Ekigendelerwa kya Katonda eri
Obulamu Bwange Kyekiriwa?



Ekigendererwa kya Katonda Eri Obulamu Bwange Kyekiriwa?

Engeri ey'okusatu ey'omuyigirizwa w'Abaruumi ekwatagana ku
nkolagana yaffe **NAFFE**.

1. Ebibuuzo bisatu ebyebuuzibwa wonna

- A. Nze ani? (**EBINJGERAKO**)
- B. Ngwa wa? (**OBUKAKAFU BWANGE**)
- C. Nteekwa kukola ki? (**OMUGASO GWANGE**)



2. Ebinjogerako

Kubanga njogera olw'ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky'asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza.

A B A R U U M I 1 2 : 3

Ekiragi: Twerowoozeeko MU BUTUUFU .

Nze ani? Nalondebwa, ndi mutukuvu, omwana wa Katonda, era omufunyi w'ekisa kye (Abaefeso 1:4-8).

3. Obukakafu bwange

Kubanga nga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, ebitundu ebyo byonna bikola emirimu gya njawulo. Noolwekyo nga bwe tuli omubiri ogumu mu Kristo, buli muntu kitundu ku mubiri ogumu ogwo

A B A R U U M I 1 2 : 4 - 5

Ekiragi: Ntuukirize OMULIMU Katonda gwe yampa..

Mu maka ga Katonda ngwa wa?



4. Omugaso Gwange

Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri, oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza; oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu.

A B A R U U M I 12 : 6 - 8

Ekiragiho: Nzuule era **NKOZESE** ebirabo byange eby'omwoyo.

Nteekwa kukola ki? Buli omu awereze munne mu kwagala (tujja kussa essira ku mulamwa guno mu kitundu ekiddako).



5. Nga Omukulembeze

- A. EBINJOGERA KO: Okkirizibwa EWATALI BUKWAKKULIZO
olw'ekisa kya Katonda. N'olwekyo, obeera mulamu era oweereza
OKUVA mu kusiima kwe, so si OLWA
'okusiimibwa kwe.

kye yatuwa mu bungi mu magezi gonna ne mu kutegeera kwonna.
Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe
yateekerateekera mu Kristo.

A B A E F E S O 2 : 8 - 9

- B. OBUKAKAFU BWANGE: Katonda akutadde w'olina okubeera.
Buli lw'e WEGERAGERANYA n'abakulembeze abalala,
OWANGULWA.

Tuli mulimu gwa Katonda, abaatondebwa mu Kristo Yesu, okukolanga
ebikolwa ebirungi, nga Katonda bwe yatuteekerateekera.

A B A E F E S O 2 : 10



C. OMULIMU GWANGE: Ng'omukulembeze mu kkanisa, olina
OKUTEEKATEEKA abalala okuweereza..

Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi,
n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala
okuba abayigiriza. Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda
olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo.

A B A E F E S O 4 : 1 1 - 1 2



Obweyamo Bw'Obukulembeze

- ☑ Nneewaayo okwesigama ku **KISA** kya
Katonda **N'ABANTU** ba Katonda okutuukiriza
omulimu gw'obuweereza, kubanga sisobola kukola buli
kimu ku lwange.



Okwenyigiramu – Okwekebera n'okukubaganya Ebirowoozo

1. Okwekubamu tooci:

Nnyinza ntya okulongoosa engeri gye nteekateeka abalala?

A. Okusinziira ku Abaruumi 12, londako ebirabo eby'omwoyo ebikulu Katonda by'akuwadde:

- | | | |
|---------------------------------|-----------------------------------|------------------------------------|
| ☐ obunnabbi | ☐ okukubiriza | ☐ okukulembera |
| ☐ okuwereza | ☐ okugaba | ☐ okusaasira |
| ☐ okusomesa | | |

B. Okwekebera: Kiki ekikulemesa okussa essira ku kirabo kyo ekikulu eky'omwoyo?



C. Lowooza ku mulimu gwo mu biti bisatu ebigazi:

NINA OKUKOLA

(Enkizo ey'okwewaayo
n'okussa essira)

EKYETAAGISA
ENNYO

NETAAGA OKUKOLA

(Omukisa okwekebera)

NSOBOLA OKUKOLA

(Omukisa okutuma)

EKITEETAGISA
NNYO

2. Okukubaganya Ebirowoozo: Musingire mu bibinja by'abantu 3-5.
Kisumuluzo ki ekikulu kyotegedde oba ekikulu kyojjukidde kye
wezuddeko okusinziira ku kitundu kino?



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Ntambulira Ntya Mu Bumu Obwa
Nnamaddala?



Ntambulira Ntya Mu Bumu Obwa Nnamaddala?

Engeri ey'okuna ey'omuyigirizwa w'Abaruumi 12 ekwatagana n'enkolagana yaffe **N'ABAKKIRIZA**.

1. Ekyetaagisa Okukula Mu Mwoyo

- A. Ekibuuzo: Lwaki Abakristaayo bangi abalungi, abeesimbu batuuka ekiseera ne **BAWAGAMIRA** **MU MWOYO**?
- B. Abakristaayo bangi tebeeteeka mu **MBEERA**.
- C. Embeera entuufu bwe **BUMU** **OBWA** **NNAMADDALA**.

Mube n'okwagala okutaliimu bukuusa. Mukyawenga ekibi, munywererenga ku kirungi, nga mwagalana mu kwagala okw'abooluganda, nga muwanjñana ekitiibwa, mu kunyiikira so si mu kugayaala. Musanyukirenga mu mwoyo nga muweereza Mukama, nga musanyukira mu kusuubira, nga mugumiikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba. Mufengayo ku byetaago by'abantu ba Katonda, era mwanirizenga abagenyi.

A B A R U U M I 1 2 : 9 - 1 3



D. Obumu Obwa nnamaddala butera kusangibwa mu

BUBONDO

E. Kino tokyerabira: si buli bubondo nti butondawo **OBUMU**

OBWA

NNAMADDALA !

F. Obumu Obwa Nnamaddala bubaawo nga **TUWEREZA**

MU

KWAGALA.

G. Tetusobola kumala **GESOGGA** mu bumu obwa
nnamaddala; wabula kyetaagisa okugenderera n'empisa.



2. Kitegeeza Ki Okuweereza Mukwagala?

A. Okuweereza mu kwagala kubaawo nga:

Ggwe **OWADDALA** (Abaruumi 12:9),

Otuukiriza **EBYEETAAGO** ebyaddala (Abaruumi 12:10),

Ku **LW'ENSONGA** entuufu (Abaruumi 12:11),

Mu **NGERI** **ENTUUFU** (Abaruumi 12:12-13).

B. Ggwe owaddala, so si **EKIFANANYI** kyo.

Obwa nnamaddala – “Okwagala kubeere nga tekuliimu bukuusa”

Obulongoofu – “Mukyawe ekibi. munywererenga ku kirungi.”

C. Butuukiriza ebyetaago ebya nnamaddala, so si ebyetaago

EBITALI **BYA** **NNAMADDALA**.

Okwewaayo – “nga mwagalana mu kwagala okw'abooluganda”

Obwetoowaze – “nga muwanjuna ekitiibwa.”

D. Olw'ensonga entuufu, so si **KUSANYUSA** bantu.

Ekitukubiriza – “mu kunyiikira so si mu kugayaala.

Musanyukirenga mu mwoyo nga muweereza Mukama.”



E. Mu ngeri entuufu, so si mu **MAANYI** gaffe.

Essira erya waggulu – “musanyukire mu kusuubira, nga mugu-miikiriza mu kubonaabona era nga munyiikira mu kusaba.”

Essira ery'okungulu – “Mufengayo ku byetaago by'abantu ba Katonda, era mwanirizenga abagenyi.”

3. Obeera mu Bumu Obwa nnamaddala?

Ng'oggyeeko mukyala wo oba omwami wo, olina abantu mu bulamu bwo abo ...

- A. **ABAKUMANYI** ?
- B. **ABAKWAGALA** ?
- C. Abakubuulira **AMAZIMA** ?
- D. **ABAKUZZAAMU** **AMAANYI** ?
- E. Bosobola okukubira **WAKATI** mu **KIRO** ?
- F. **BOWEREZA** ?
- G. **ABAKUWEREZA** ?

Abakulembeze balina okuyiga okufuna obumu obwa nnamaddala ate era babuwe n'abalala.



Obweyamo Bw'obukulembeze

- ☑ Nneewaayo okusukka ku nkolagana **EZ'OKUNGULU** era
nja kubeera mu bumu obwa nnamaddala nga mpeereza
abalala mu kwagala.



Okwenyigiramu – Okwekebera n'Okukubaganya Ebirowoozo

1. Okwekebera: Okusinziira ku bibuuzo ebiri wansi wa “obeera
mu bumu obwa nnamaddala,” wekenneenye enkolagana zo
ez'okulusegere —okola bulungi kwenkana ki?

Wolina okwongera okukula

Wolina okwongera amaanyi

1	2	3	4	5	6	7	8	9	10
---	---	---	---	---	---	---	---	---	----

2. Okwekebera: Abantu 2-3 abasinga okuba ab'okulusegere lwo
be baani? Bintu ki ebitonotono by'oyinza okukola okwongera
okunyweza enkolagana yo nabo?

3. Londa abantu 1 oba 2 okusabiragana okusobola okukwatagana
obulungi n'abalala mu nkolagana eziwa-obulamu.



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Mpangula Ntya Obubi Obunjolekera?



Mpangula Ntya Obubi Obunjolekera?

Engeri ey'okutaano ey'omuyigirizwa w'Abaruumi 12 ekwata ku
nkolagana yaffe **N'ABATALI BAKKIRIZA.**

1. Engeri y'okukola Ebitasoboka

Musabirenga ababayigganya; mubasabirenga so temubakolimiranga.
Musanyukirenga wamu n'abo abasanyuka, era mukaabirenga wamu n'abo
abakaaba. Buli muntu abeerenga mu mirembe muntu ne munne, nga
temwegulumiza naye nga muba bakkakkamu. Temwekulumbazanga.
Temusasulanga kibi olw'ekibi, naye mukolenga birungi byereere eri bonna.
Mukolenga kyonna ekisoboka okutabagana n'abantu bonna; abaagalwa,
temuwalananga ggwanga, era ekiruyi mukirekere Katonda, nga bwe
kyawandiikibwa nti, "Okuwoolera eggwanga kwange, nze ndisasula,"
bw'ayogera Mukama. "Noolwekyo omulabe wo bw'alumwanga enjala,
muliisenga; bw'alumwanga ennyonta muwenga ekyokunywa, bw'okola
bw'otyo olimukumira amanda g'omuliro ku mutwe gwe." Towangulwanga
kibi, naye wangulanga ekibi ng'okola obulungi.

A B A R U U M I 1 2 : 1 4 - 2 1



A. Okufuuka Omukristaayo ow'Abaruumi 12 SI KIZIBU BUZIBU
...wabula TEKISOBOKA !

B. **Ekiragiwo Ekitulagira:** “Musabirenga ababayigganya.”
OKUSONYIWA – “mubasabirenga so temubakolimiranga.”

OKUTAMBULA NABO – “Musanyukirenga wamu n’abo
abasanyuka, era mukaabirenga wamu n’abo abakaaba.”

OKUKOLAGANA – “Buli muntu abeerenga mu mirembe muntu
ne munne, nga temwegulumiza naye nga muba bakkakkamu.
Temwekulumbazanga.”

C. **Ekiragiwo Ekitukugira:** “Temusasulanga kibi olw’ekibi.
temuwalananga ggwanga.”

Ensonga bbiri enkulu lwaki okwesasuza kw’omuntu ku bubwe
kikugirwa.

i. Kiwamba omulimu gwa Katonda nga OMULAMUZI.
“ekiruyi mukirekere Katonda.”


ii. Ngeri ey’okuleeta EMIREMBE etakola “omulabe wo
bw’alumwanga enjala, muliisenga.”

D. **Ekivaamu ekisukkulumye ku butonde:** OBULUNGI bujja
kuwangula obubi. “wangulanga ekibi ng’okola obulungi.”



2. Okuddamu eri Obubi Okusukulumye ku Butonde

- A. Kitegeere nti **OBUKAAWU** bulinga okunywa **OBUTWA** nga osuubira omulala okulwaala.
- B. Eddagala eriwonya obutwa bw'obukaawu kwe **KUSONYIWA**.
- C. **TANDIKA** olugendo lw'okusonyiwa.



- D. EKIBUUZO: Oli mwetegefu okusubwa **AMAANYI** **AG'OMWOYO** genkana wa okusigala n'obukaawu bwo?



Obweyamo Bw'Obukulembeze

☑ Nneewaayo okwesigama ku **MAANYI** ga Katonda
AG'OMWOYO okutandika olugendo lw'okusonyiwa
ebibi ebinjolekedde.



Okwenyigiramu – Okukubaganya Ebirowoozo

1. Musingire mu bibinja byabantu 3-5. Nga Yuda bwe yalyamu Yesu olukwe, ani asinze okukulyamu olukwe? Kiki ekyaliwo, era Katonda akusaba okole ki eri enkolagana eno?

2. Kiki ky'ogenda okusooka okukola okusonyiwa omuntu ono? Waliwo omuntu ayinza okukuyamba okutwaala eddaala lino?



EKKANISA ESINGA
OKUKOMA KU BANTU

OMUSOMO OOGW'OMUKAAGA



EKKANISA ESINGA OKUKOMA KU BANTU

Kiki Ekiddako?



Yogayoga!!!

KINO KYEKIDDAKO:

Olugendo lwo telukoma wano.


Tuli basanyufu okukuwagira n'ebikozesebwa / emisomo egy'enjawulo egy'obwereere egitegekeddwa okukuyamba okuzimba Ekkansa Esinga Okukoma Ku Bantu. Ekirala, twandiyagadde nnyo okuwulira okuva gyoli! Sikaaninga koodi eno wammanga okufuna ebikozesebwa bino era otuddiremu ku bibuuzo otubuulire endowooza yo. Katusigale nga tuyiga n'okukula nga tuli wamu!



▶ LOTE.me/HIC-LG



1. Ebitundu bisatu eby'Ekkanisa Esinga Okukoma Ku Bantu





2. Okukola nga Omukulembeze w'Abaruumi 12

A. Saba Katonda akuwe **OKWOLESEBWA** **OKUPYA**.

Buli mulimu omunene mu Bwakabaka bwa Katonda gutandikira mu kusaba! Saba Katonda okukkiriza okuggya, amagezi, n'obuvumu okukola by'ayagala.

B. Tekawo enkyukakyuka era ozimbe abayigirizwa ba Abaruumi 12 okuva munda okudda ebweru. Tandika **NAWE WENNYINI**, olwo osomese era otendeke **ABAKULEMBEZE** bo, n'oluvannyuma okyanjule eri **EKIBIINA** kyo.

GGWE: Katonda ayagala okukola ennyo mu ggwe nga tannakola bya maanyi okuyita mu ggwe. Abantu bo bajja kugoberera kyakulabirako kyo — olina OKUBA omuyigirizwa w'Abaruumi 12 nabo basobole OKUFUUKA omuyigirizwa oyo.

ABAKULEMBEZE BO: Musumba, byonna tosobola kubikola! Essira lisse ku batono, nga Yesu bwe yakola. “Peetero wo, Yakobo wo, ne Yokaana wo” be baani? “Abayigirizwa bo 12” be baani? Bw’oteeka ssente mu batono, bw’osooka n’ozimba ekibinja ky’abakulembeze b’Abaruumi 12. Bajja kukuyamba okukyuusa ekkanisa yo okufuuka Ekkanisa Esinga Okukoma Ku Bantu.

EKIBIINA KYO: Abakulembeze bo bwe bamala okwewaayo okufuuka Abakristaayo b’Abaruumi 12, awo nga kye kiseera okuyigiriza ekkanisa yo!



Obweyamo Bw'omukulembeze Ow'Abaruumi 12

Olw'ekisa kya Katonda, njagala KUBEERA omuntu gwe njagala abantu bange BAFUUKKE. Ebigendererwa byange ebirungi nja kubifuula ebikolwa, n'olwekyo,

- ☑ Nneewaayo okubeera omuyigirizwa wa Yesu nga sinnaba kubeera mukulembeze wa Yesu.
- ☑ Nneewaayo okuwaayo byonna bye ndi ne byonna bye nnina eri Katonda.
- ☑ Nneewaayo okumala akadde akawera ne Katonda bulijjo nsobole okukyuusibwa n'ekigambo kye okusinga okwewaayo mu bikemo by'ensi.
- ☑ Nneewaayo okwesigama ku kisa kya Katonda n'abantu ba Katonda okutuukiriza omulimu gw'obuweereza, kubanga buli kimu sisobola kukikola ku lwange.
- ☑ Nneewaayo okusukka ku kwagala okw'okungulu era nja kubeera mu bumu obwa nnamaddala nga mpeereza abalala mu kwagala.
- ☑ Nneewaayo okwesigama ku maanyi ga Katonda ag'Omwoyo okutandika olugendo lw'okusonyiwa obubi obunjolekera.

AMANNYA: _____ ENNAKU Z'OMWEZI: _____

